

D.O.W.B.I

DOERS OF THE WORD BIBLE INSTITUTE

CERTIFICATE

IN MINISTRY



OKUZIMBA EMPISA EZ'OBWAKATONDA

Erinnya Lyo: _____

Tusangibwa: * Kirumira Towers 6th Floor [City Campus]
* Makerere, Mukubira Zone near MBI Off Sir Apollo Kaggwa Rd.

KAMPALA BIBLE REVELATION CHURCH

KIRUMIRA TOWERS 6TH FLOOR [CITY CAMPUS]

DOERS OF THE WORD BIBLE INSTITUTE

COURSE OUTLINE (4 HOURS)

OKUZIMBA EMPISA EZ'OBWAKATONDA



> OKUNNYONYOLA:

Kwe kulaga empisa z'obuntu ezisinga yo obulungi. Omuntu wabeerera ku ntiko mu bulamu. Gwe muwendo omugatte ogw'ebintu ebirungi ebikola obuntu.

Empisa si kyekyo abantu kyebakulowoza ko.

Empisa zibeera munda ate kyebakulowoza ko kibeera bweru. Empisa kintu kya ddala naye kye bakulowoza ko si kya ddala. Empisa kintu kibeerawo naye kye bakulowoza ko kya kiseera buseera. Empisa ye meeme y'omuntu, kye bakulowoza ko kibeera mu birowoozo by'abantu. Empisa zikuwa omuwendo mu maaso go naye kye bakulowoza ko gwe muwendo abalala gwe bakuwa. Empisa gwe muwendo gwa Katonda ate kye bakulowoza ko kiri nga akatale k'abantu.



> BINO BYE BIYAMBA OKUZIMBA EMPISA:

1. Okutendeka omubiri: 1Abakkolinso 9:25 – 27
2. Okubonereza omubiri: Matayo 5:29; Abakolossayi 3:5
3. Okwewaliriza okukola ebintu eby'obwakatonda byotoyagala.

>> **AMAANYI AG'EMIRUNDI EBIRI GE TUZIMBISA:**

- Amaanyi ag'okusalawo (okusobola okugamba nti "yye" mu kiseera ekituufu)
- Amaanyi ag'okweziyiza (okusobola okugamba nti "nedda" mu kiseera ekituufu)

Kuno kwe kuyiga okufuga empulira n'okwegomba kw'omubiri.

>> **EBIZIMBA EMPISA:**

1. Ekigambo kya Mukama: Abaruumi 12:2; Abaefeso 5:26–27
2. Omwoyo Omutukuvu: Yuda 20
3. Obumalirivu bwo: Engero 28:1
4. Mikwano gyo: Engero 13: 20; Amosi 3:3
5. Ekisa kya Katonda: Tito 2:11 – 14
6. Okusoma: (Ebitabo n'ebirala ebiyamba) Koseya 4:6

>> **OBUKULU BW'OKUZIMBA EMPISA MU BAIBULI:**

- Tuli musana gwa nsi : obulamu bwaffe bulina kuba kya kulabirako eri bonna Matayo 5:14 – 16.
- Tuli baluwa za Mukama empandiike eri ensi: 2 Abakkolinso 3:2
- Tuli bagoberezi ba Kristo: Abaebbulaniya 1:3, Abaefeso 5:1
- Awatali mpisa tetusobola kutuukiriza obutume bwa Katonda: Matayo 28:18

Awali empisa, nakibijigiri afuuka nalulungi.
Awatali mpisa, nalulungi afuuka nakibijigiri.

>> **EBIRAGA EMPISA Z'OBWAKATONDA:**

1. Obukakkamu n'obuwombeefu: 1Petero 5:5; 2Timoseewo 2:24; Abaggalatiya 5:22 – kwe kubeera omugonvu mu njogera, alina ekisa, ayisa abantu bonna ky'ekimu, era omwesimbu.
2. Okwagala: 1Abasessalonika 4:9; Yokaana 13:34 – okwagala ke kabonero nti oli mulokole akuze.
3. Essanyu: Nekkemiya 8:10; Isaaya 12:3 – lino ly'essanyu eritakyuukakyuuka okusinzira ku mbeera.
4. Okugumikkiriza: 2Timoseewo 2:10; Abaefeso 4:1–2; Abakolossayi 3:12–13 – kwe kubeera nga tewemulugunya olw'obunafu bw'abantu.
5. Obulungi: Matayo 5:44 – 48; Luka 6:27 - 32 – kwe kubeera nga olabisa obwakatonda.
6. Emirembe: Abaebbulaniya 12:14 – okubeera nga oli musirifu, omuteefu, akiriziganya n'abalala mu makati g'okukemebwa okw'ekitalo, ebizibu, n'emitawana. Yesu ye mulangira w'emirembe.
7. Okwekuuma: Matayo 5:27 – 28 okwekuuma okuva mu bwenzi bulabikira mu njogera, ennyambala n'entambula.
8. Okumatizibwa: Abafirippi 4:11; 1Timoseewo 6:6 – okufuna ssente n'ebintu bwe bifuuka ebiruubirirwa by'omulokole bifuuka musanvu.
9. Obwesimbu (okukkiriza mu muntu): Abaebbulaniya 13: 4 okwewala empisa ensiwufu, okwerowozaako wekka, okukolerera amagoba gokka, okulya enguzi: Omubulizi 5:2 – 5; Engero 11:3;
10. Okukkiriza: Kabakkuku 2:4; Abaruumi 1:17; Abaggalatiya 3:11 – okubeera mu bulamu bw'obwakatonda nga tugoberera enkola z'obwakatonda eziri munda zaffe, nga emitima gyaffe gituwa obuvumu, n'okwesiga Katonda ne kigambo kye.

11. Obwesigwa: Okubala 16:15; 1Samwiri 12:1–5; Ebikolwa 20:33 – kwe kubeera abesigwa mu buli kigambo. Okubeera omwesigwa eri Katonda n’omuntu.

> > **EBINTU 3 OMUVA EMPISA:**

- Ebirowoozo: bino bijjuza obwongo nga ebifaananyi era by’ebivaamu bye twogera. Omuntu ayogera ky’alowoza. Empisa zizimba engeri gy’olowozaamu. Engero 23:7
- Ebigambo: ebigambo bye twogera bitonda ebintu n’embeera. Kyoyogera ky’ofuuka. Olulimi lwo luli nga kisumuluzo eri okufa n’obulamu Makko 11:23; Engero 18:21; Engero 21:20; Engero 14:1
- Ebikolwa: bino byawuddwa mu ebitundu bisatu:
 1. Engeri gy’olabika mu: 1Petero 2:9 – engeri gy’oyambalamu nkulu nnyo. Shakespeare yagamba nti “Ekyambalo kye kirangirira omuntu.” Endabika yo y’evirako engeri abantu gye bakuyisaamu. Wetaaga ennyambala erung’amizibwa Omwoyo Omutukuvu. Olina okwogera n’ekisa n’obuvumu nga olaga nti olina okumanya okw’ebuziba.
 2. Okufuga ebiseera: ebiseera bulamu, obulamu bwa kukozeza, bwe tubufiirwa tetusobola kubuzzaawo. Obukulu bw’omuntu buva mu kufuga biseera n’okufaayo ku buntu obutono. Omubulizi 3:1 n’okweyongerayo; Abaefeso 5:16
 3. Obuwanika: kwe ku kwata ebintu ebitali bibyo obulungi. Obwesigwa kye kisinga obukulu. Katonda asooka kukuteresu bintu bya mulala nga tannaba ku kwesiga na bibyo. Luka 16:10 – 13



Lined writing area with horizontal lines and faint background shapes.





Lined area for writing, consisting of 20 horizontal lines.





D.O.W.B.I - CERTIFICATE IN MINISTRY



Handwriting practice lines consisting of 20 horizontal lines. The first five lines are grouped into four sets, each containing a solid top line, a dashed midline, and a solid bottom line. The remaining 15 lines are solid horizontal lines.





D.O.W.B.I - CERTIFICATE IN MINISTRY



Handwriting practice lines consisting of 20 horizontal lines. The first 10 lines are grouped into five pairs, each pair associated with a large, faint, rounded rectangular box in the background. The remaining 10 lines are single horizontal lines.





D.O.W.B.I - CERTIFICATE IN MINISTRY